# Ab'e Namagunga banoonya buwumbi 6 okuzimba ekizimbe

Bya MATHIAS MAZINGA

ABADDUKANYA essomero lya Mt. St. Mary's College Namagunga banoonya obuwumbi bw'ensimbi 6, okuzimba ekizimbe ky'abayizi ekipya.

Kaweefube w'okusonda ssente zino baamugguddewo n'ekijjulo ekyabadde ku Hotel Africana gye buvuddeko ng'omukolo gwetabiddwaako abantu bangi, okwabadde abaasomerako mu ssomero lino, abayizi abaliyo, abazadde, abasomesa ne bannamikago abalala.

Bwe yabadde awa obubaka bwe, omukulu w'essomero, Rev. Sr. Regina Nabawanuka yategeezezza nti, essomero lyatandikibwawo Omubiikira Omuminsane, Mother Mary Kevin Kearney (eyali amanyiddwa ennyo nga Maama Keviina), mu 1942, era nga mu ntereeza yaalyo, lyali lya kubeeramu abayizi 600 kyokka nga kati lirimu abayizi 1,250 ng'eno y'ensonga lwaki baasazeewo bazimbe ekizimbe ekipya, bakendeeze ku kanyigo, abaana basome bulungi awatali kukaluubirizibwa.

Yategeezezza nti, ekizimbe kyakubeerako ebibiina ebisomerwamu, etterekero ly'ebitabo, ekisenge ekinene abasomesa mwe basobola okutuula ne bakola egyabwe n'ekisenge ky'ebyuma bikalimagezi. Yasabye bonna abalina akakwate ku ssomero lino okuwagira pulojekiti eno gye yagambye nti, ejja kubayamba kinene okutwala mu maaso ekigendererwa kya Sr. Keviina eky'okusomesa n'okugunjula omwana omuwala.



Sr. Nabawanuka, akulira essomero ly'e Namagunga (owookuna ku kkono), Njuguna amuddiridde n'abagenyi abalala nga basala keeki.

Omukungu mu kkampuni ya MTN, Jemima Kariuki Njuguna, eyakiikiridde nnankulu wa kkampuni eno, Sylvia Mulinge nga omugenyi omukulu, yasiimye ab'e Namagunga olw'okussa essira ku kusomesa omwana omuwala. Yasuubizza nti, MTN yaakutwala mu maaso enkolagana n'essomero lya Namagunga kuba nabo ebyenjigiriza babisoosoowaza nnyo, kuba bakkiriza nti, gwe musingi gw'enkulaakulana y'eggwanga.

Oluvannyuma yayanjudde ensimbi za Uganda obukadde 50, kkampuni ya MTN ze yawaddeyo okuwagira omulimu guno.

Abamu ku baatonye kwabaddeko Justine ne James Bwogi (obukadde 20), Robert Mbabazi (obukadde 3), Paul Muyanja (obukadde 3), Vincent Tumwijukye (obukadde 2), Fr. John Lule Foundation (akakadde 1), Paul Walakira (akakadde 1), Steel and Tube Industries Ltd (obukadde 10), Rogers Baguma (akakadde 1), Mary ne Hillary Bisanga (obukadde 5), Dr. Zam Nalule (obukadde 3) ne Namilyango College (obukadde 5).

Obukadde 300 ze zaweereddwaayo mu buliwo ne mu bisuubizo.